ENDABIRIRA Y'ENKOKO EMBIISI (LAYERS)

- Londa amagi emirundi mingiko buli lunaku era amagi gano gatereke mu kifo ekikalu ate nga kiweweevu.
- Enkoko ezitabiika zitunde
- Kuuma obuwandike bwa buli kimu.
- Terekayo ku kasente ak'okuleeta enkoko endala mu budde.
- Ziwe emmere entabule obulungi eya Ugachick ejjudde ebirungo.
- Enkoko ziwe omuddo.
- Enkoko zisale emimwa.

WEGENDEREZE BINO WAMANGA

- Okukozesa eddagala erigema nga likadiye.
- Okutereka obubi eddagala erigema.
- Okutambuza obubi eddagala erigema, nga lyokebwa omusana.
- Enkozesa y'eddagala erigema obubi, amazzi amajama n'ebirala.
- Enkoko ziwe vitamins buli lw'omala okugemma okuzizaamu amaanyi.

Okujanjaba

- Goberera endagiriro y'omukozi w'eddagala.
- Wa dozi entuufu
- Goberera ennaku zokomako okuwa eddagala
- Ebbanga eriyitawo olyoke osale enkoko okugirya

Ennyumba y'ennkoko

- Ekizimbe kibe kiwanvu ekimala nga kifuna ekitangala n'empewo
- Yiwa enkokoto wansi ate ebisenge bisiige omusenyu okwewala emmese.

ENTEKATEEKA Y'OKUGEMA

AGE (WEEKS)	TYPE OF VACCINE	ROUTE OF ADMINISTRATION
7 DAYS	NEWCASTLE + 1B	INTRA OCULAR, INTRA NASAL, SPRAY
10 DAYS	GUMBORO 1	DRINKING WATER, INTRA OCULAR
21 DAYS	NEWCASTLE + 1B	INTRA OCULAR, INTRA NASAL, SPRAY
4TH WEEK	GUMBORO 2	DRINKING WATER (ORAL)
6TH WEEK	GUMBORO 3	DRINKING WATER (ORAL)
8TH WEEK	NEWCASTLE LA SOTA	INTRA OCULAR, INTRA NASAL
10TH WEEK	FOWL TYPHOID	INTRA MUSCULAR
12TH WEEK	FOWL POX	WING WEB
5 MONTH	NEWCASTLE + 1B	ORAL
EVERY AFTER 2 MONTH	NEWCASTLE	ORAL

Oyinza okwebuza okuva ku offiisi yaffe okumanya ebisingawo kukugema.

Ugachick

Ugachick Poultry Breeders Ltd
Magigye Farm, Namulonge Rd, Gayaza
P.O. Box 12337, Kampala-Uganda
Tel: +256 41 4251957, 4250341,
77 2404491, 39 2853492
Fax: +256 41 4251958
E-mail: ugachick@infocom.co.ug
info@ugachick.co
www.ugachick.co

ENKOKO EMBIISI

Ekiyumba ky'enkoko

Ebbanga eryetaagisa liri fuuti bbiri ku buli nkoko oba enkoko ttaano buli square meter. Obukuta bwa wansi - oyinza okukozesa obukuta bw'embaawo, obw'emmwanyi, obw'omucere oba ebikongoliro ebikube.

Ebikozesebwa

* Akatiba aka meter emu	-	Enkoko 20
* Ebinwyerwamu	-	Enkoko 30
* Ekiyonjo ekya ft 1 kwe 1	-	Enkoko 5
* Ekiyonjo ekinene ft 3 ku 3	-	Enkoko 60

Emmere Eyeetaagisa

Obukulu bw'enkoko	Ekika kyemmere	Obunji bw'emmere
Wiiki 0-8	Chick Mash	Kilo 2
Wiiki 9-20	Growers Mash	Kilo 6
Wiiki 21-80	Layers Mash	Kilo 49

Wekkaanye: Enkoko embiisi buli lunaku erya Guraamu 120-125 (ez'emmere eya Ugachick)

Endabirira esuubirwa

Enkoko ezifa nga tezinnabiika	-	3-5%
Enkoko ezifa nga zibiika	-	8%
Wiiki we zisookera okubiika	-	wiiki ya 18
Amagi agasuubirwa mu buli nkoko	-	Amagi 318
Omuwendo gw'enkoko ku nkomerero y'okubiika	-	88%
Amagi agabiikibwa buli wiiki	-	wiiki 19 6%
	-	wiiki 20 20%
	-	wiiki 21 50%
	-	wiiki 22 78%
	-	wiiki 23 - wiiki 43 90% - 93%

- wiiki 44 - wiiki 60 80% - 89%
- wiiki 61 - wiiki 73 70% - 79%

Amagi gagenda ga kendela okuva ku wiiki 73 okutuka ku wiiki eye 80 ebitundu 70% - 65%.

Endabirira ennungi

Enkoko endabirire obulungi ze zizza amagoba. Enkoko za Ugachick Hisex Brown ne Shaver embiisi zirina obusobozi bw'okubiika bwa waggulu ddala naddala nga zirabiriddwa bulungi. We zibiikira, ebinnywa n'amagumba bisaanye bibe nga byezimbye bulungi ate nga ziri mubuzito bwa kilo nga emu nekitunddu (1.5kg). Tezisaanye kubaamu yadde obulwadde mu mubiri ne mu nseke. Bw'onoogoberera bino wammanga onoobeera osobola okufuna amagoba agawaggulu ddala.

Nga obukoko tebunatuuka

- Longoosa ekiyumba ofuuyire n'obuwuka bwonna.
- Longoosa ebikozesebwa byonna era obifuuyire ng'okozesa JIK.
- Ennyumba gireke ewummule wiiki bbiri. Teeka amazzi amatabule ne JIK mu kinnya mwolinnya nga oyingira mu kiyumba.
- Nga ebula essawa nnya obukoko buleetebwe, kuma e ssigiri obugumye ekiyumba okutuusa ku kibuggumirize nga kya 35°C.
- Jja ensonda zonna mu nnyumba ye nkoko nga okozesa amabaati oba ebipapula ebya fuuti ebbiri enkoko ozikolere. empeta (circle).
- Ssa ebinywero mu brooder circle nga mulimu amazzi (tabula kilo emu eya glucose mu litre kkumi (10) ez'amazzi.

1.1 Obukoko nga butuuse

Bala bulungi obukoko wekakase omuwendo gwa bwo.
Obukoko buteeke kumpi n'essigiri.
Buleke bunywe naye tobuwa mmere okutuusa nga essawa emu eyisewo olyoke obuwe emmere.

- Buwe ekitangaala emisana n'ekiro wiiki ezisooka ennya (4).
- Gezaako okulaba nga ebbugumu teriyitirira wabula ng'era teriba ttono kufuuyisa bukoko mpewo.
- Bw'okozesa amabaati agatemagana, wa ggulu ku sigiri ebbugumu lituuka bulungi ku buli kakoko.

Gaziya ennyumba y'obukoko nga bwe bukula.



1.2Mubiseera ebyokukula

- Obukoko buliise emmere ya Ugachick eyitiibwa Chick Mash.
- Buli kakoko kajja kulya kilo bbiri mu sabbiiti omunaana ezisooka.
- Gezaako okulaba nga emmere teyiikayiika, tebbibwa era nga teriibwa mmese.
- Enkoko ziwe amazzi buli kadde.
- Buli kakoko kawe ebbanga erikamala, wakati wa fuuti emu n'ekitundu ne fuuti ebbiri ku bbiri.
- Buli bukoko amakumi abiri buwe akatiba aka fuuti essatu.
- Mu sabbiiti ey'omwenda okutuka ku sabbiti ey'amakumi abiri enkoko ziwe emmere ya Ugachick eyitibwa Growers mash. Buli kakoko kajja kulya wakati wa kilo mukaaga n'omusanvu.
- Mu sabbiti ey'ekkumi n'omukaaga, enkoko ziteeremu ebibiikiro zisobole okubimanyiira.
- Kuuma obuwandiike obukwata ku ndiisa, ku nzijanjaba, ne ku byonna ebirimu ennyingiza n'ensaasaanya.
- Enkoko zisale emimwa wakati wa wiiki ey'omunna nekumi nebbiri.

1.3 Okwekuuma endwadde

- Obukoko obuto butandikire mukifo nga kyesudde ebbanga nawo awali enkoko enkulu, kiyamba obutalumbibwa ndwadde munaku ezisoka.
- Beera n'obuyonjo obw'ekika ekya waggulu nga oyoza ebinywerwaamu buli lunaku.
- Beera n'ekirinnyirwamu ku mulyango mw'oteeka eddagala eritta obuwuka.
- Takula obukuta buli lunaku oziyize endwadde nga Cocidiosis, nebilala.
- Toganya bagenyi kuyingira mu nnyumba ya nkoko zo.
- Totabula nkoko zivudde wabweru wa ddundiro lyo na nkoko zo.
- Gema obukoko mu budde.
- Enkoko ziwe eddagala ly'ebiwuka buli mwezi okuva ku sabbiiti ey'omunaana.
- Enkoko zikebere obuloolo n'obuwuka bwonna mu byoya era bufuuyire

1.4 Akadde k'okubiika

- Bandaala mu kukyusa ekika kye mmere okuva ku Growers mash okudda ku Layers mash okutuusa nga enkokozituuse ku mbiika eri wakati wa 5-10%
- Ekigero kye mmere buli lunaku ku nkoko embiisi kiri wakati wa 120-130gms. Bwe kisuka wano, kebera okuyiikayiika kwe mmere. Bwe kika wansi wa kino, kebera enkoko endwadde wamu n'omusujja.

1.5 Byolina okukola bulijjo

- Enkoko ziwe ebinyweerwamu, ebirirwamu, n'ebbanga erizimala.
- Tokyusa kyusa bisera byogabiramu mmere.
- Tokendeeza bungi bwa mmere oba okuva ku mmere ya Ugachick
- Laba nti amazzi g'enkoko malungi era mayonjo buli kadde.
- Laba nti ekitangaala kizimala essaawa ekkumi n'ebbiri ez'emisana.
- Tokiriza mugenyi kumpi na nnyumba ya nkoko zo.
- Enkoko ziwe eddagala ly'ebiwuka buli mwezi.
- Weegendereze obutakuluusanya nkoko ekiyinza okuzireetera okwemaanya ebyoya, okulya amagi, n'okwebojja.